*Journal for Language Teaching* 58(1) 2024, 28 pages
https://doi.org/10.56285/jltVol58iss1a6309

# Gye nvudde w'ensomesa y'Oluganda mu Uganda

**Rehema Yawe Nakandi**
Kyambogo University, Uganda
E-mail: rnakandi15@gmail.com

**Moses Mayanja**
Mount Kigali University, Rwanda
E-mail: mosesmayanja058@gmail.com

## EKIFUNZE

Gye buva bwenkana, olulimi lwonna lwa mugaso nnyo mu bulamu bw'omuntu; lumusobozesa okuwuliziganya n'abalala ate lumwawula ku bantu b'amawanga amalala kubanga lwe lukongojja ebyobuwangwa by'eggwanga lye. Lusobola okumukulaa-kulanya mu mbeera zonna; gamba mu byenfuna, mu byobufuzi, mu byeddiini wamu ne mu by'enkolagana n'abalala kubanga aluyigiramu era n'alukoleramu ebintu bingi. Okuva edda n'edda, Abaganda baasomesebwanga Oluganda era ne bayita mu lwo okwekulaakulanya mu mbeera zonna. Beeyambisanga litulica omwogere gwe baatambuzanga okuva ku mulembe ogumu okudda ku mulala, ng'abantu abakulu wamu n'abaabanga n'ebitone eby'enjawulo be bavunaanyizibwa ku kute-ndeka emigigi emito - nga babalaga enkola y'ebintu ko n'okubeenyigizaamu. Ensomesa y'Oluganda yatambula kinnawadda okutuusa lwe yajjirwa Abazungu abaakyusa enteekateeka yaayo nga n'ekisinga byonna, be Bazungu okuggya Abaganda ku byabwe ate ne batandika okubasigamu ebyabwe (eby'Abazungu). Olwaleero, ebyenjigiriza ebisobozesa omuntu okufuuka yinjiniya, omusawo, omubazi w'ebitabo oba omukugu ow'engeri endala yonna, bisibukira ddala ku byenjigiriza bya Bajjajjaffe ebyakakasanga nti omwana atendekebwa obukugu obwamusobozesanga okuwangaala mu nsi. Noolwekyo, tugamba nti kirungi bitobekebwe mu byenjigiriza eby'o-mulembe guno ogwa saayansi ne tekinologiya kubanga bikyali bya mugaso nnyo mu kukuza omwana omuntumulamu era alibeera ow'omugaso mu nsi. Olupapula luno luwa ennyanjula; ennyinyonnyola y'ebigambo ebi-kulu; ne lulambika ensomesa y'Oluganda okuva ng'Abazungu tebannajja; nga bamaze okujja; okusoomoozebwa kwe luzze lusanga; ne kibaako n'amagezi ge kiwa mu buufu obwo.

**Ebigambo ebikulu***:* oluganda; ebyobuwangwa; ebyenjigiriza; bajjajjaffe; obuntubulamu

**CITATION**
Nakandi, R.Y. &. Mayanja, M. (2024). Gye nvudde w'ensomesa y'Oluganda mu Uganda. *Journal for Language Teaching, 58*(1), Article 6309. https://doi.org/10.56285/jltVol58iss1a6309

eISSN: 2958-9320
© Copyright belongs to the authors under the Creative Commons License CC BY-NC-ND 4.0

# The history of Luganda teaching in Uganda

**ABSTRACT**

Language plays two vital inseparable roles in a person's life; It is a means of communication and a basis of our identity. It is through language that we can know our past and prepare our future, thereby preserving our culture. Indigenous education in Buganda, having been carried out by the word of mouth through oral literature; emulation from, and physical training by the skilled; was a source of knowledge and skills; character molding to the young people; cooperation and collaboration amongst the community; and preservation of communal values in society. It was the advent of formal education and western culture which changed the foundation of indigenous education that saw the Baganda undermine their culture and taking on the western culture, thereby leading to moral decay and other vices. This article explains the key words; highlights indigenous education in Buganda; Luganda education after the coming of the British; the challenges posed by their coming and formal education towards Luganda; and a way forward towards the preservation of the Ganda culture in general including documentation and embracing technology as the way to go.

**Keywords**: Luganda; culture; education; ancestors; modest nature

## 1. Ennyanjula

Oluganda lulimi lunnansangwa olw'abantu abayitibwa Abaganda, erimu ku mawanga g'Abaddugavu agali ku lukalu lw'Afirika. Eggwanga, Buganda lisangibwa mu nsi ya Uganda era buli nsi y'Abafirika erimu amawanga ag'enjawulo nga buli limu lirina olulimi lwalyo. Okugeza, mu Botswana mulimu eggwanga lya Tswana nga boogera olulimi oluyitibwa Setswana, Kalanga nga boogera Ikalanga, Shona nga boogera Shona, n'endala; mu South Africa bannansi balina ennimi nga Ndebele, Pedi, Sotho, Zulu, Afrikaans, Tsonga, Xhosa, Venda n'endala nnyingi; mu Nigeria mulimu amawanga nga Igbo, Yoruba, Fulani, Ibibio n'amalala naye nga buli limu lirina olulimi lwalyo; n'amawanga amalala gonna mu Afirika gatyo. Ng'oggyeeko olulimi, buli ggwanga lirina ebintu byalyo bye likkiririzaamu (ebyobuwangwa), era ebyawula abantu baalyo ku b'eggwanga eddala (Tchindjang, Bopda, & Ngamgne, 2008).

Mu nsi ya Uganda, ng'oggyeeko Oluganda olwogerwa Abaganda, mulimu amawanga amalala mayitirivu nga Abanyankole aboogera Olunyankole; Abasoga aboogera Olusoga; Abagisu aboogera Olugisu; Abakiga aboogera Olukiga; Abanyolo aboogera



eISSN: 2958-9320
https://www.journals.ac.za/jlt

Olunyolo; Abacholi aboogera Olucholi; Abakonjo aboogera Olukonjo; Abasamya aboogera Olusamya; Abagwere aboogera Olugwere; Abateeso aboogera Oluteeso; Abakalamoja aboogera Olukalamoja; Abalugwala aboogera Olulugwala; n'amalala mangi. Okusinziira ku kitongole ekivunaanyizibwa okubala abantu, Countryeconomy (2012), Uganda eweza abantu ng'obukadde 32 n'ennimi ennansi ezisukka mu 65. Oluganda lwe lulimi olunnansi olusinga okwogerwa, era olulimi olwokubiri (second language) - ng'oggyeeko Olungereza, olusinga okwogerwa abantu abangi mu Uganda; lweyambisibwa mu byobusuubuzi, mu byentambula, mu masinzizo, ku mikutu gy'empuliziganya, n'awalala (Ssentanda & Nakayiza, 2015). Mulumba and Masaazi (2012) bagamba nti lwogerwa abantu abawerera ddala kimu kya kubiri ekya Bannayuganda bonna. Eky'okuba nga lwogerwa abantu bangi mu Uganda Nankindu (2020) akiteeka ku kifo kye lwaweebwa mu byobufuzi, oluvannyuma lw'enkolagana ya Buganda ne Gavumenti y'Abangereza mu ndagaano ya 1900 ng'Abangereza kye bajje batwale Uganda okubeera ettwale lyabwe.

Oluganda, nga bwe guli ku nnimi z'Abaddugavu endala, lwava dda nga lusomesebwa nga n'Abazungu tebannajja. Mu byenjigiriza eby'emirmbe egyo, emigigi emito gyatendekebwanga mu mbeera z'obulamu zonna: mu by'okubeerana ne bannaabwe, mu byobukulembeze, mu byeddiini, mu byempisa, mu byenfuna, mu by'okuwoza n'okuwozesa emisango awamu ne mu by'okulabika obulungi obutadibira ku luggya. Kwe kugamba, ebyenjigiriza by'Abaddugavu byassanga essira ku nkulaakulana y'omuntu yenna okutwaliza awamu (holistic development) (Onwuatuegwu & Paul-Mgbeafulike, 2023). Buli muntu omumanyi yabanga musomesa (Abisoye, 2022), nga mwe muli abantu abakulu mu myaka, abakulembeze ku byalo wamu n'abantu abalina ebitone eby'enjawulo (Onwuatuegwu & Paul-Mgbeafulike, 2023). Okusinziira ku Manly and Duruji (2013), ng'oggyeeko eky'okukozesa emibiri gyabwe, bamenya ebintu ebirala ebyenjigiriza by'Abaddugavu kwe byetoolooleranga era nga bye bino: a) Okutendeka omwana empisa omuli n'okussa ekitiibwa mu bakulu (character training); b) okutendeka omwana okukozesa obwongo (intellectual training); c) okutendeka omwana okubaako omulimu gw'akola (vocational training).

Ebyenjigiriza by'Abaddugavu byatambula kinnawadda okutuusa Abazungu lwe bajja okutandika okufuga ensi zaabwe (ez'Abaddugavu). Abazungu baakyusa omusingi gw'ebyenjigiriza Abaddugavu kwe baali basomera; baazimba amasomero (agasomesezebwamu n'olwaleero), mwe baasaasaanyiza ebirowoozo byabwe naddala ebikwata ku ddiini zaabwe (Abisoye, 2022). Ebyenjigiriza tebaabitambulizanga mu masomero mwokka, wabula ne mu masinzizo, okusobola okulaba nga bakyusiza ddala enkola z'Abaddugavu (Mosweunyane, 2013). Enkyukakyuka eno mu Buganda



eISSN: 2958-9320

https://www.journals.ac.za/jlt

yaleetera Abaganda okuddirira mu ngoberera y'ebyobuwangwa byabwe, ekintu ekizze kibaleetera okuggwamu obuntubulamu. Kwe kugamba, bagenze basuula empisa n'enneeyisa zaabwe ng'okwambala okuggumira eri abawala n'abakyala, empisa y'ekizzaŋŋanda, okugunjula n'abaana be batazaala (oba babalinako oluganda oba nedda), okukoleranga awamu, nga kw'otadde n'okwogera olulimi lwabwe. Mu ngeri yeemu, Oluganda olwalinga lusomesebwa obulamu bw'omwana bwonna, kati lusomesebwa bbalirirwe ate nga si eri buli Muganda. Noolwekyo, ekiruubirirwa ky'olupapula luno kwe kulambika ensomesa y'Oluganda eyali ennyikiza obuntubulamu mu Baganda, wamu n'okulaga obwetaavu bw'okutobeka ebyokuyiga ebyo mu byenjigiriza eby'omulembe guno ogwa saayansi ne tekinologiya kubanga bikyetaagisa.

## 2. Ennyinyonnyola y'ebigambo ebikulu

### 2.1 Oluganda

Mu kiwandiiko kino tweyambisizza ekigambo 'Luganda' okutegeeza olulimi olwogerwa (language) wamu n'ebyobuwangwa (culture) eby'Abaganda. Olupapula luno lulambika ensomesa y'Oluganda okuviira ddala ku mirembe gya Bajjajjaffe, ng'obubaka buyisibwa mu kwogera bwogezi okutuuka ku mirembe gy'okusoma n'okuwandiika.

### 2.2 Ebyobuwangwa

Idang (2015) ajuliza ekitabo ky'omunoonyereza omukuukuutivu, Edward B. Taylor ekiyitibwa "Primitive Culture" (1871), kye yaddamu okufulumya mu 1958 ng'agamba nti ebyobuwangwa kintabuli kya magezi, nzikiriza, buyiiya, mpisa, mateeka, bulombolombo oba nneeyisa efuniddwa omu ku bantu aba wamu. N'abanoonyereza abalala bangi omuli Bello (1991); Aziza (2001); Ezedike (2009); (Tchindjang et al., 2008) balina engeri ze bannyonnyolamu ekigambo 'byabuwangwa', naye bonna balina kye bafaanaganya mu nnyinyonnyola zaabwe: nti ebyobuwangwa nneeyisa eya wamu ey'abantu abali awamu. Mu lupapula luno tulambika empisa n'enneeyisa eby'Abaganda n'engeri Abaganda gye baabiyitangamu okusomesa emigigi emito ebyokuyiga ebitali bimu.

Ebyobuwangwa bigabanyizibwamu ebitundu bibiri: ebikwatwako (omuli ebintu omuntu by'asobola okukola n'abyeyambisa okuddukanya emirimu gye okugeza amafumu, obwambe, ebibbo, ebyambalo, n'ebirala) n'ebitakwatwako (omuli empisa, emizizo, enzikiriza n'ebirala ebiringa ebyo). Kino nno kitegeeza nti tewayinza kubaawo bantu ng'ate tewali byabuwangwa. Oli okugamba nti waliyo eggwanga eritalina


eISSN: 2958-9320
https://www.journals.ac.za/jlt

byabuwangwa aba nga agamba nti abantu b'eggwanga eryo basobodde okubaawo ne batambuza obulamu bwabwe awatali lulimi lubagatta, ddiini gye bakkiririzaamu, mizizo na bulombolombo bye bagoberera, ekintu ekitayinza kubeera kituufu! Buli ggwanga ly'Abaddugavu ku lukalu lw'Afirika lirina ebyalyo bye likkiririzaamu, nga bigwa mu matuluba nga ebyobukulembeze (political), ebyeddiini (religious), eby'embeera z'abantu (social), ebyenfuna (economic), ebyempisa (moral), eby'ensala y'emisango (judicial) wamu n'ebyobulungi (aesthetic).

## 2.3 Ebyenjigiriza

Moumouni (1968) annyonnyola bw'ati ekigambo 'byanjigiriza':

> Education is everything that prepares the young people for either integration in a given society with the aim of perpetuating the established values and norms of such society or transforming and changing such values and norms,

ekivvuunuddwa nti;

> Ebyenjigiriza bye bintu byonna ebiteekateeka emigigi emito (abaana) okugya mu nsi y'abantu abali awamu n'ekigendererwa ky'okutwala mu maaso empisa n'enneeyisa eby'abantu abo oba okukyusa mu mpisa n'enneeyisa ezo.

Okusinziira ku nnyinyonnyola eyo, Abaddugavu baatambuzanga ebyobuwangwa byabwe okuva ku mulembe ogumu okudda ku mulala, wadde nga baakikolanga bayita mu kwogera bwogezi (okuyita mu litulica omwogere), so si mu kusoma (reading) na kuwandiika (writing); okulabira ku bakugu; wamu n'okukozesa emibiri gyabwe (Abisoye, 2022; Achi, 2021; Manly & Duruji, 2013); era ng'okuyiga kwa lubeerera (Achi, 2021).

## 2.4 Bajjajjaffe

Mu kiwandiiko kino, ekigambo 'Bajjajjaffe' tukikozesezza okutegeeza Abaganda abaaliwo mu mirembe gy'edda ng'Abazungu tebannajja mu Buganda.

Bajjajjaffe baayigirizanga abaana olulimi n'ebyobuwangwa byabwe nga bagenderera okubasigamu obuntubulamu, bubaganye okukolagana ne bantu bannaabwe mu nsi.



eISSN: 2958-9320
https://www.journals.ac.za/jlt

### 2.5 Obuntubulamu

Kiingi (2007) mu Nkuluze y'Oluganda ey'e Makerere annyonnyola ekigambo 'buntubulamu' nga enneeyisa ennungi esaanidde omuntu ow'amagezi era omwegendereza.

Ebimu ku bintu ebyoleka obuntubulamu mwe muli obwetoowaze, obukkakkamu, okuba n'ensonyi, okulumirirwa abalala, okwagaliza, n'ebirala ebiringa ebyo. Nga tusinziira ku nnyinyonnyola y'obuntubulamu eyo waggulu, ebintu bino bye tumenye ebyoleka obuntubulamu bikolebwa muntu mugezi era omwegendereza. Bajjajjaffe baafangayo okufuga obusungu; okukolagananga ne bannaabwe mu mbeera ez'ebizibu n'ez'essanyu; okugumiikirizagananga mu mbeera ez'enjawulo; n'ebirala ebigwa mu ttuluba eryo ebyoleka obuntubulamu. Obuntubulamu buno baafubanga okubusiga mu migigi emito gikule nabwo.

## 3. Ensomesa y'Oluganda mu biseera bya Bajjajjaffe

### 3.1 Ennyanjula

Bajjajjaffe n'Abaddugavu abalala bonna okutwaliza awamu baatendekanga emigigi emito mu mbeera z'obulamu zonna. Kwe kugamba; mu by'okubeerana ne bannaabwe, mu byobukulembeze, mu byeddiini, mu byempisa, mu byenfuna, mu by'okuwoza n'okuwozesa emisango awamu ne mu by'okulabika obulungi obutadibira ku luggya. Okutwaliza awamu, ebyenjigiriza by'Abaddugavu byassanga essira ku nkulaakulana y'omuntu yenna (holistic development) (Onwuatuegwu & Paul-Mgbeafulike, 2023). Buli muntu omumanyi yabanga musomesa (Abisoye, 2022), nga mwe muli abantu abakulu mu myaka, abakulembeze ku byalo wamu n'abantu abalina ebitone eby'enjawulo (Onwuatuegwu & Paul-Mgbeafulike, 2023). Okusinziira ku Manly and Duruji (2013), ng'oggyeeko eky'okukozesa emibiri gyabwe, bamenya ebintu ebirala ebyenjigiriza by'Abaddugavu kwe byetooloolеranga era nga bye bino: a) Okutendeka omwana empisa omuli n'okussa ekitiibwa mu bakulu (character training); b) okutendeka omwana okukozesa obwongo (intellectual training); c) okutendeka omwana okubaako omulimu gw'akola (vocational training). Emirimu bagigabanyaamu ebibinja bisatu: a) Ebyobulimi, b) ebyobusuubuzi (trades and crafts) era nga mu bino banokolayo ebintu nga: okuluka, okutunga, okuyigga, okubajja, okuzimba, okuyimba, okusima eby'omuttaka, obugoma n'obuzinyi, okubumba, okusiiga ebifaananyi n'okutimba; c) obukugu obw'enjawulo, era nga namuno banokolayo ebyokulabirako nga: obukulembeze ku mitendera gyonna okuva ku gusookerwako okutuuka ku bwakabaka, obujjanjabi, obukuumi bw'amasabo, obupoliisi n'obuwozesa bw'emisango.



eISSN: 2958-9320
https://www.journals.ac.za/jlt

Okutwaliza awamu, bwe weekaliriza ebyenjigiriza by'Abaddugavu ng'abanoonyereza ab'enjawulo bwe babyogerako, Achi (2021) abiwumbawumba mu ngeri ttaano (5). Agamba nti ebyenjigiriza by'Abaddugavu bizimbiddwa ku misingi etaano gino wammanga:

a) Okuteekateeka abaana okufuuka ekyo ekibasuubirwamu mu bikula byabwe (abalenzi n'abawala). Anokolayo emirimu gy'ekisajja ng'okuzimba, okukomaga, ebyobulimi, okuyigga, okuvuba n'okuweesa. Mu ngeri yeemu, anokolayo emirimu n'obuvunaanyizibwa bw'ekikazi ng'okufumba, okutunga, okulabirira awaka wamu n'okutendekebwa okufuuka abakazi abatuukiridde mu maka.

b) Abaana okulabira ku babasinga; nga babatunuulira okulaba enkola y'ebintu ate n'okwenyigira mu kukola kwennyini. Anokolayo ebyokulabirako ng'okuvuba, okuzimba, okulima, okufumba, okulabirira abato, n'ebirala.

c) Okukolera awamu (communalism). Achi (2021) agamba nti obuvunaanyizibwa bw'okugunjula omwana bwalinga bwa buli omu (bazadde, abeŋŋanda abalala bonna ne bannakyalo bonna okutwaliza awamu). Ayongerako n'agamba nti ebyenjigiriza by'Abaddugavu biruubirira kumalawo buzibu bwa bantu bonna, okugeza nga bulungibwansi mu mawanga agamu; nti n'amakungula mu mawanga agamu nago gaabanga ga wamu.

d) Okwetooloolera ku byokuyiga ebisukka mu kimu mu bulamu bw'omwana (holisticism). Nti ebisaawe eby'enjawulo byassibwangako essira, era n'anakolayo bino: ebyenjigiriza ebiyamba omubiri gw'omwana okukula – ebyetaaga okukozesa omubiri; ebyenjigiriza ebimufuula ow'empisa mu bantu; ebyo ebimufuula omukazi oba omusajja ow'obuvunaanyizibwa (character training); ebyo ebimufuula ow'amagezi – omukujjukujju, omutetenkanya, omuyiiya n'ebirala ebigwa mu kkowe eryo; n'ebyo ebimufuula omukugu mu kintu (skilled).

e) Okunywerera ku bulombolombo n'ennono, ebijja bitambula okuva ku mulembe ogumu okudda ku mulala. Abaana baabanga bawulize; teri yawakananga nga bamugambye nti ekintu gundi kizira, okuggyako okubuuza mu ngeri y'okwagala okweyongera okumanya. Kwe kugamba, enkola y'okukwasisa emigigi emito ebyafaayo by'amawanga gaabwe, empisa, obulombolombo wamu n'enkozesa y'ennimi zaabwe yabanga ya baana kukkiriza bukkiriza (kutwala) bye babasomesa awatali kubuuza wadde, era nabo ne bakola ekintu kye kimu nga bakuze (indoctrination).

Ng'essira tulitadde ku Baganda, naffe tukkaanya n'emisingi Achi (2021) gy'agamba ebyenjigiriza by'Abaddugavu kwe byetooloolera; kwe kugamba, ng'Abazungu tebannajja mu Buganda, ebyenjigiriza byayolekanga empisa n'amagezi ga Bajjajjaffe

wamu n'ebyo bye baasuubiranga nti bya mugaso eri abantu bonna okutwaliza awamu. Byassanga essira ku mpisa z'omubantu omuli okussa ekitiibwa mu bakulu wamu n'abantu okutuukiriza ebibasuubirwamu ku myaka egy'enjawulo okusinziira ku kikula kyabwe (kikazi oba kisajja). Wadde ng'abaana baayigiranga mu buli kifo we beesaŋŋanga okugeza ku mirimu, mu mikolo, mu kuzannya, mu ntabaalo, ekyoto lyabanga ssomero lyabwe we baakuŋŋaaniranga buli kawungeezi okuwayaamu. Baayigiranga mu makubo ag'enjawulo nga: okubonereza abakoze ebisobyo; okuweera abakoze obulungi; okubuulirira; okulabula; okunyumya emboozi; okusirika (okussa akasiiso); okuvumirira emize; okulaba entambula y'emikolo wamu n'enkola y'emirimu; ko n'okubeera ebyokulabirako ebirungi eri abato okutwaliza awamu. Mu nteekateeka eno mwavangamu abaana abantubalamu.

Kizibu okwawulira ddala ebisaawe ebyenjigiriza eby'enjawulo mwe bigwa (okugeza eky'embeerabantu ku bisaawe ebirala) kubanga birina engeri gye byakwataganangamu. Kwe kugamba, Bajjajjaffe baakoleranga wamu ebintu ebigwa mu bisaawe eby'enjawulo; baakwasisanga wamu empisa mu baana, baakoleranga wamu emirimu, obukulembeze bukolerwa era bwakolerwanga ku bantu abali wamu, ebyobulungi ku baana baabikoleranga mu maka, n'ebirala ebiringa ebyo. Wabula wadde nga guli gutyo, ka tugezeeko okubyawula. Ebyokulabirako bino wammanga bye bimu ku byoleka ebyenjigiriza bya Bajjajjaffe mu bisaawe eby'enjawulo:

## 3.2 Ebyenjigiriza eby'embeerabantu (Social values)

Awaka kye kifo ebyokuyiga byonna we byatandikiranga (Mosweunyane, 2013). Abazadde baafangayo okulaba nti abaana bayiga ebintu eby'enjawulo ku myaka egy'enjawulo, ate ebigya mu bikula byabwe (Achi, 2021; Onwuatuegwu & Paul-Mgbeafulike, 2023). Okutwaliza awamu, omwana omuwala yatendekebwanga kitonde kikazi nga maama, baaba we, ssengaawe, jajja mukyala, so ng'omulenzi yatendekebwanga kitonde kisajja naddala kitaawe ne jajja mwami. Omwana yenna k'abe muwala oba mulenzi bwe yabanga akyali muto, yasiŋŋanga kubeera na maama awaka, era awo we yayigiranga emirimu gy'awaka ng'okwera ennyumba, okwoza ebintu (naddala okutandikira ku kunyumunguza), okwera oluggya, okuta enkoko, okuweereza abakulu, n'obulimulimu obulala obulinga obwo. Omulenzi bwe yawezanga emyaka nga 10 ku 13, yatandikanga okwenyigira mu mirimu egisukkulumye ku bw'awaka okugeza: okulunda ebisolo ebitono ng'embuzi, endiga n'ennyana, egyamuggyangako awaka n'agendako ku ttale gye yasiŋŋaananga balenzi banne nabo nga bali ku mulimu gwe gumu. Yasobolanga n'okugenda ne bannyina emugga ne mu nku. Mu ngeri yeemu, n'omuwala bwe yawezanga emyaka gye gimu, yatandikanga okuyigirizibwa emirimu gy'ekikazi ng'okufumba, okulima, okutyaba enku, okwoza

engoye, okutegeka awaka, n'emirala egiringa egyo. Oluusi nnyina yamulekangako n'awaka ng'alinako w'alaze (okugeza mu nnyimbe oba okukyalira abeŋŋanda), ng'amusuubira okukuuma n'okulabirira bato be. Emirimu gino yagikulirangako okutuusa lwe yavangamu omukazi atuuse okufumbirwa, era n'agenda ewuwe naye n'akola nga nnyina bw'azze amuyigiriza okuva obuto. Omulenzi bwe yavubukanga, yatandikanga okutendekebwa emirimu gy'ekisajja ng'okuzimba, okubajja, okukomaga, okuyigga, okuvuba, okutema amabidde, n'emirala egiringa egyo era nga yagiyigiranga ku kitonde kisajja, naddala kitaawe. Kitaawe ne basajja banne era omuvubuka ono be yayigirangako obuvunaanyizibwa obulala ng'okuteesa n'enneeyisa endala ey'omunkiiko z'ekyalo bwe yabanga agenze naye; okutabaala; okugogola enzizi n'okwerula amakubo mu ngeri y'okukola bulungibwansi; okusumika; n'obulala obulinga obwo.

Mu nkola y'emirimu egy'enjawulo n'enneeyisa yonna okutwalira awamu mu mikolo n'awalala, abaana baayiganga n'olulimi lwabwe okugeza enkozesa y'ebisoko, engero ensonge, enjogera n'amakulu g'ebigambo okusinziira ku ngeri gye byabanga byeyambisiddwamu. Olulimi kintu kikulu nnyo kubanga abantu mwe bayita okuwuliziganya n'okwawuka ku balala (Tchindjang et al., 2008) ate lwe lukongojja ebyobuwangwa by'abantu ab'eggwanga erimu (Salmanu, 2016). Salmanu (2016) akkaatiriza omugaso gw'olulimi mu bulamu bw'omuntu, bw'agamba nti aluyigiramu ebintu bingi ne lumukulaakulanya mu byenfuna, ne lumuyamba mu byobufuzi ne mu nkolagana ye n'abantu abalala. Bajjajjaffe baayolesanga obukugu mu lulimi lwabwe, anti baamanyanga ebifo we baayogereranga bye baayogeranga wamu n'okulusabika nga kyetaagisizza. Beeyambisanga olulimi okutuukira ku buli mbeera okugeza ng'ey'essanyu, ey'ennaku; erimu okwewuunya; n'endala, era ng'abaana nabo bawulirira ku bakulu nabo ne bayiga. Baayiganga enjatula y'ebigambo; enkozesa y'olulimi olw'ensibo nga bayita mu kunyumya ne ku ebyo byennyini bye baanyumyangako. Empisa kyatwalibwanga nga kintu kikulu nnyo, era Bajjajjaffe baaluubiriranga okukuza omwana alimu ensa. Mu lulimi lwonna lwe baakozesanga kino baakifangako. Noolwekyo, olulimi Oluganda Bajjajjaffe baalweyambisanga okuyigiriza abaana obuntubulamu obwabasobozesanga okubeerana ne bantu bannaabwe abalala mu maka mwe baabanga bazaalibwa ko ne mu maka amalala. Kinajjukirwa nti omwana yakulirangako ne mu maka amalala okugeza ng'ewa ssengaawe, mu bajajjaabe, n'awalala.

Awaka era, ekyoto kyabanga kifo kikulu nnyo mu kuyigiriza abaana olulimi n'ebintu ebirala okuyita mu litulica omwogere ng'enfumo, ennyimba, ebitontome, engero ensonge, ebisoko, ebikokyo, ebikokko ne kanyoolannimi. Mu bintu bino ebirala mwe muli ebyafaayo bya Buganda; ebikwata ku bika byabwe; obukujjukujju n'okuvvuunuka


eISSN: 2958-9320
https://www.journals.ac.za/jlt

ebizibu (okuva ku nfumo ez'enjawulo); okubeerana n'abantu abalala (anti oluusi ekyoto kyatambulanga mu maka amalala ku muliraano); okukolera ebintu mu biseera byabyo (anti baafubanga okumaliriza emirimu gyonna nga beeyuna ekyoto); empisa eza buli ngeri; okwerinda; n'ebirala. Maama ye yakulemberangamu okusoma kw'abaana ng'ekyoto ne bwe kyatambulanga okugenda ku muliraano, maama waayo ye yasomesanga. Taata bwe yabangawo nga tagenze kukuuma kyalo, yatuulanga awo wabbali ku kiwu kye ng'anywa mmindi ye. Noolwekyo, olunaku lw'omwana lwatandikiranga mu kukola mirimu ne luwunzikira ku kyoto.

Kaweefube yenna mu nkuza y'omwana omuwala mu Buganda yabanga wa kumufuula mukazi atuukiridde mu maka g'omusajja gy'alifumbirwa. Mu ngeri yeemu, kaweefube mu nkuza y'omulenzi yabanga wa kumufuula musajja mukozi, omugezi, ow'amaanyi, anaasobola okukuuma amaka ge n'abagalimu. Olw'enkuzibwa ey'enjawulo eri abawala n'abalenzi, waliwo engeri buli kitonde gye kyasuubirwanga okweyisaamu mu bulamu obwa bulijjo, era nga y'engeri yennyini gye beeyisangamu. Eyagezangako okuwaganyala, yakangavvulwanga, oluusi n'aswazibwa ku kyalo, ate oluusi n'amaka mw'ava ne geekengerwa (ne gaboolebwa - ng'abanoonya omuwala ow'okuwasa oba omusajja anaawasa muwala waabwe, bagatya).

Ng'oggyeeko awaka, Bajjajjaffe baatambulangako ne beetaba n'abantu abalala mu mikolo ng'egy'okufiirwa, ennyimbe, okuziika, n'awalala. Mu mikolo gino baayolesanga obumu Onwuatuegwu and Paul-Mgbeafulike (2023); Abisoye (2022) wamu ne Achi (2021) bwe boogera ku byenjigiriza by'Abaddugavu. Ekyokulabirako kye ky'empisa y'ekizzaŋŋanda gye baayolesanga nga waliwo afiiriddwa: bannakyalo, ab'eŋŋanda n'ab'emikwano bajjanga n'amabugo ne bamukumaakuma. Baamuyambanga mu mirimu ng'okufumbira abazze okumukungubagirako, okusima entaana; okumusuza; okumuwerekerako okuziika; n'ebirala. Mu ngeri yeemu, bannakyalo tebaalimanga nga ku kyalo kufuddeko omuntu. Nga ssemaka afudde, bamuzingira mu luggya; omukyala n'abaana bo mu nnyumba. Mu kyo, buli mukolo gulina obulombolombo bwagwo, era nga Bajjajjaffe baalinanga ensonga emabega w'obulombolombo obw'enjawulo ate oluusi abaana ze bataamanyanga okutuusa nga nabo bakuze okutuuka okussa mu nkola ekintu kye kimu. Abaana baatunulanga ne balaba ebigenda mu maaso ate oluusi ne babyenyigiramu ne bayiga entambula yaabyo.

Bajjajjaffe balina engeri gye baakuumangamu obutebenkevu ku kyalo; bassemaka be baakuumanga ekyalo mu mpalo. Omwami w'ekyalo n'ab'olukiiko lwe be baayambangako mu kutaawulula abaabanga n'enkaayana. Oli bwe yazzanga omusango ng'asimbibwa mu lukiiko nga yeewozaako. Bwe gwamusiŋŋanga ng'eweebwa ekibonerezo. Ekibonerezo kyayinzanga okubeera eky'okukola bulungibwansi,

eky’okuliwa ekintu, oba ekirala kyonna okusinziira ku musango. Ku nsonga y’okukola ekikolobero, ebibonerezo tebyabangako na kubuuza! Okugeza, oli bwe yeetuganga, teyayisibwanga mu mitendera nga gye baayisangamu omulala eyabanga afudde obufi. Ku ono, baasimanga entaana butereevu ne we yabanga yeetugidde, omuggywa n’amusalayo. Teyakwatwangako! Engeri yonna gye yabanga agudde mu ntaana gye baamuziikangamu. Teyakaabirwanga na kukaabirwa nti bamufiiriddwa nnyo. Mu ngeri yeemu, omuwala bwe yasobanga (okufunira olubuto ku luggya), bakadde be baamuzimbiranga akayumba eyo ku lusalosalo n’abeera eyo yekka okutuusa lwe yasumulukukanga, ekintu ekyatiisanga ennyo baganda be. Bino byonna byayigirizanga abantu okwewala emize egyo baleme kuyisibwanga nga abo.

## 3.3 Ebyenjigiriza eby’empisa (Moral values)

Nga bwe kizze kyeyoleka, omuzadde yatandikirangawo okuyigiriza omwana okuviira ddala nga muwere, aleme kukula muwawa. Ezimu ku mpisa maama ze yasookanga okuyigiriza omwana mwe muli okukyama mu kifo kimu kyokka singa yabanga ayagadde okweyamba awamu n’okwogeranga ng’amalirizza, basobole okumulongoosa. Kino kyayambanga okukuuma awaka nga wayonjo, ng’obubi tebumansiddwa buli wamu. Omwana era yayigirizibwanga okunaabanga mu ngalo nga tannatandika kulya mmere; okweyanza; okugaba; okubuuzanga abantu abamusingako emyaka nga baakazuukuka (nga mwe muli ne bakulu be); okwaniriza abagenyi n’okubabuuza nga bafukamidde; okwetonda nga balina gwe basobezza; okulya obulungi (so si okuswankula oba okulya nga balaga emmere mu kamwa); n’empisa endala nnyingi. Singa omwana yasobyanga, omuzadde yamugololerangawo (anti “*Akaakyama amamera, tekagololekeka*!”); teyalindanga ggulo (wabula oluusi bwe waabangawo omugenyi, ng‘alinda omugenyi oyo n’akyaluka, olwo n’alyoka amulaba akamufaamu). Oluusi yalabulwanga obutakiddamu; olulala ne bamukwatira ku muziŋŋoonyo ne bakuba; olulala ne bamumma ekyokulya ky’awoomerwa (naddala ku musango gw’obuteeyanza – ng‘ekyokulya bakimuggyako); olulala ne bamutereeza butereeza nga bamujjukiza kye yandibadde akola; olulala ne yeetonda ne bamusonyiwa.

Omwana owoobuwala bwe yasuumukangamu, ate ye maama yamussangako nnyo eriiso; yamuyigirizanga okwogeza akawoowo (so si kuwaawaala); okutunula obulungi (so si kumaggula maaso); okuseka obulungi (so si nnyindoyankolera); okutuulanga obulungi obuteesitaza baliwo; okutambula obulungi (so si kusaatuuka); okukkakkananga awali ekitonde ekisajja kyonna, k’abe mwannyina; okunaabangako obulimiro nga bannyuse (so si kufumbira bantu mmere nga mukyafu); okweyonjanga buli kadde (nga mwe muli n’okwemwa) naddala ng’ali mu nsonga z’ekikyala. Yakuumibwanga butiribiri obutasobera ku luggya; yassibwangako amateeka obutamala


eISSN: 2958-9320
https://www.journals.ac.za/jlt

gatambula kuva waka, si kulwa nga yeemakulirayo n'abalenzi. Ekiruubirirwa kyabanga kya kumufumbiza ng'akyali mberera, asobole okuweesa amaka mw'ava ekitiibwa. Ebyo byonna byayambanga omuwala okukula nga muntumulamu, wa buvunaanyizibwa, ng'abeereka naye. Wabula, okussa essira ku mwana omuwala tekitegeeza nti ye omulenzi tebaafangayo kubimuyigiriza; naye baabimuyigirizanga. Omuwala ye yalinga wa nkizo kubanga baabanga bamwolekeza bufumbo nga tebaagala atuuke eyo aswaze amaka mw'ava.

Ng'oggyeeko okulabirwangako enneeyisa entuufu, Bajjajjaffe baakozesanga nnyo olulimi mu ngeri y'enjogera, ebisoko wamu n'engero ensonge nga bakwasisa abaana empisa. Okugeza, waliwo engero nga: "Akutwala ekiro omusiima bukedde", "Olidde ggi kwesubya muwula", "Okuliraana omukulu ataddiza, oliraana empagi okuva empumbu", "Kamwa kabi kassa Siroganga", "Mbuulira gw'oyita naye nkubuulire empisa zo" n'endala nkuyanja. Waliwo ebisoko n'enjogera nga: "Okulya nga eyasimattuka kkunsa", "Okukunnumba nga embuzi eyasizza entamu", "Okukootakoota mu ga lumonde" n'ebirala bingi. Amakulu gaabyo byonna gali ku kusiga na kukuuma mpisa mu bantu. Mu ngeri yeemu, Bajjajjaffe baayitanga mu mizizo okukwasisa abaana empisa. Emizizo girina ebibonerezo ebigigenderako singa oba ogisobezza, era bye baatiisanga abaana n'abantu bonna okutwaliza awamu, ne kibayamba okugigoberera. Okugeza, kizira okutuula ku kinu (singa okikola, towanvuwa); kizira okwera ekiro (singa oyera, oleeta obwavu awaka); kizira okutuula/okulinnya ku masiga (singa okikola, omulenzi ofuuka omuwala ate omuwala ofuuka omulenzi); kizira omuwala okuwalampa omuti (singa akikola, omuti gukala); kizira omuwala okugenda emugga ng'ali mu nsonga (bw'akikola oluzzi lukalira); kizira okufuuwa oluwa ekiro (singa okikola, oba oyita misota); kizira omulenzi okuliira mu ntamu (singa akikola, aba tajja kuwasa); kizira okussa ekisotta mu ttaka (bw'okikola, enva zibula); kizira okusalaasala mu bikuta/biwata (singa okikola, oba weesalira misango); kizira omuwala okumala gasuula ekiwero ky'akozesezza mu nsonga z'ekikyala (singa embwa ekisanga n'ekirya, tava mu nsonga); kizira omukazi w'olubuto okubuuka ensanafu (singa akikola, azaala omwana asasamadde amannyo); kizira omuntu okulya omuziro gwe (singa akikola, ayubuka); kizira okufumba emmere etaliiko mpogola (singa okikola, emmere eyo ekona); n'emizizo emirala miyitirivu. Bwe weekennaanya emizizo egyo gyonna n'emirala, okizuula nti Bajjajjaffe baagikozesanga okukuumira omwana omuwala mu nneeyisa y'ekikazi n'omulenzi mu y'ekisajja; okwewaza abantu okufuna obubenje; n'ebirala. Mbiti (1977) ayongerako nti era emizizo giyamba okukuuma obutebenkevu mu bantu abali awamu. Noolwekyo, abaana mu Buganda baakuzibwanga mu ngeri eyeegombesa nga bayigirizibwa empisa eza buli ngeri, ekyabayambanga nabo okutwala ekintu kye kimu mu maaso nga bakuze bafunye amaka gaabwe.

### 3.4 Ebyenjigiriza eby'obukulembeze (Political values)

Mu Buganda abantu bassangamu ababakulembera ekitiibwa okuviira ddala mu maka okutuuka ku Kabaka. Mu maka, ssemaka ye mukulembeze asookerwako; ne kuddako omwami w'ekyalo; omwami w'omuluka (parish head); omwami w'eggombolola (sub-county chief); omwami w'essaza (county chief); olwo Kabaka n'asembayo ku ntikko. Ku kyalo, omwami w'ekyalo ng'ali wamu n'olukiiko lwe, bavunaanyizibwa ku bintu bingi ku kyalo omuli okulaba nti buli maka geetaba mu bulungibwansi; buli ssemaka yeetaba mu kukuuma ekyalo (mu mpalo); okugonjoola ensonga okuva eri abatuuze; n'ebirala. Owoomuluka n'ab'akakiiko ke bavunaanyizibwa okulaba nti abakulembeze b'ebyalo bakola emirimu gyabwe. Singa ensonga Oweekyalo zimuyinga, azongerayo ku muluka. Mu ngeri yeemu, Owoomuluka bwe zimuyinga nga naye azongerayo waggulu. Kirina kukolebwa kityo okutuuka ewa Kabaka. Olukiiko lwa Kabaka lutuulako Katikkiro ng'ono ye Kabaka ow'ebweru, omulamuzi, omuwanika, n'abakungu ab'enjawulo.

Ng'oggyeko obukulembeze obw'engeri eyo waggulu, ate waliwo n'obw'omu bika. Taata y'asooka wansi; n'addirirwa jjajja (Owooluggya); ne kuddako Owoolunyiriri; Owoomutuba; Owessiga; olwo ku ntikko ne wasemba Owaakasolya. Ebika bikola omulimu munene nnyo mu bwakabaka bwa Buganda nga: a) okukuuma obuwangwa n'ennono mu bazzukulu nga biyita mu kubasomesa ebikwata ku bika byabwe okugeza abakulembeze ababatwala, akabbiro kaabwe, engeri gye balanyaamu, n'ebirala; b) okukuuma obwakabaka nga biyita mu kuweereza Beene - anti buli kika kirina obuvunaanyizibwa eri obwakabaka.; c) okukuuma empisa mu bika okugeza okubakugira okuganzagana, okwezaalamu n'okufumbiriganwa; n'empisa endala; d) okutuuza enkiiko okusobola okumanyagana; e) okwabya ennyimbe; f) okukumaakuma n'okuyamba bamulekwa; g) okugonjoola ensonga z'abeekika; h) okukuuma ennyumba, empya n'ennyiriri; n'ebirala. Olw'obukulu bw'ekika, Bajjajjaffe baayiiya olugero olugamba nti, "*Oguzzanga ku busenze n'otoguzza ku kika*", anti ekika bwe buddukiro – nti bw'onooyonoonayo ate oba onodda wa? Mu bukulembeze obw'engeri zombi, abaana abalenzi baakulanga balaba ebigenda mu maaso bwe baagendanga ne bakitaabwe okukiika, anti "*Akiika embuga, amanya ensonga*." Kyabasigangamu amagezi g'okweggya mu buzibu, obuvunaanyizibwa ate ne kibayigiriza obukujjukujju n'empoza y'emisango.

### 3.5 Ebyenjigiriza eby'eddiini (Religious values)

Ensonga ezikwatagana ku ddiini z'Abaddugavu tezeepankwangako. Buli ggwanga lyalinanga enzikiriza zaalyo naye okutwaliza awamu, bino bye bimu ku bimanyiddwa



eISSN: 2958-9320
https://www.journals.ac.za/jlt

ku ddiini z'Abaddugavu zonna: a) nti waggulu eyo waliyo Omusukkulumu atalabika, alina obuyinza ku bulamu bwa buli muntu yenna; b) nti mu muntu yenna mulimu omwoyo ogutafa, omubiri gwo ne bwe guba gufudde; c) nti waliwo ebikolwa ebitwalibwa okuba ebirungi ate n'ebibi, era ng'obwenkanya busobola okukolebwa singa waliwo anyigiriziddwa; d) nti waliyo obufuusa obusobola okutuusa omuntu ku ky'atandisobodde kutuukako mu mbeera eza bulijjo; e) nti waliyo eddagala erisobola okuwonya omulwadde ate n'amaanyi agasobola okukozesebwa okumuvumula ekirwadde kyonna; f) nti Abaddugavu baakuŋŋaananga ne basinza ku nnaku ez'enjawulo; g) nti mu bbanga mulimu emyoyo emirungi n'emibi, ng'era gino gye giyunga omuntu ku Musukkulumu oli ali waggulu. Emyoyo gino gye gitaputira abantu ebirina okugobererwa okusobola okumalawo obuzibu mu bantu abali awamu. Okugeza, singa enjala yagwanga, waabangawo emikolo egirambikibwa emyoyo abantu bagikole embeera etereere.

Mu ddini y' Abaganda ey'ennono, Omusukkulumu ali waggulu asuutibwa n'amannya agaggyayo obusukkulumu bwe nga: a) Lugaba, eritegeeza nti y'agaba; b) Liisoddene, eritegeeza nti alaba buli wamu; c) Namugereka, eritegeeza nti y'asalawo ekiriba eri omuntu yenna; d) Ddunda, eritegeeza nti mukuumi; e) Nnyininsi, eritegeeza nti ensi yonna yiye y'agifuga; f) Kiwamirembe, eritegeeza nti aleeta emirembe; n'amannya amalala. Emyoyo (Lubaale) egiyunga abantu ku Lugaba gigabanyiziddwamu ebiti bina; abalongo; emizimu; emisambwa n'amayembe, so ng'ate omuntu atuulwako emyoyo egyo ye ayitibwa Mmandwa. Agamu ku mannya ga Lubaale ow'enjawulo ge gano: Ndawula, Mukasa, Kiwanuka, Musoke, Musisi, Kitaka, Nabuzaana, Nambaga, Namuzinda, Nagaddya, Namirembe, n'amalala mayitirivu. Buli omu ku oyo Lubaale alina ensonga gy'akolako n'olunaku lw'akolerako emirimu gye. Okugeza, Mukasa agaba mikisa ate Nabuzaana mulezi w'abaana.

Ebyo byonna Bajjajjaffe baabimanyanga era ng'oli bw'afuna obwetaavu bw'okuwuliziganyaako ne Lubaale, ng'ayolekera eri Mmandwa, Mmandwa ng'atuula ng'akoowoola Lubaale oyo. Ezimu ku nsonga ezaabatwalanga ewa Mmandwa mulimu okufuna enzaalo, okufuna obugagga, okunoonya emikisa, okujjanjabwa, okubaako be baloga, n'ensonga endala nnyingi. Buli kika kya Buganda kyabanga n'ekifo kyakyo eky'ebyobuwangwa, era abeekika gye baakuŋŋaaniranga okusamira buli mwaka. Baakubanga eŋŋoma ne bayimba ennyimba za Lubaale, Lubaale n'abaako b'alinnya n'abawabula. Oluusi waabangawo ebikolobero mu kika okugeza ng'abeekika beezaalamu abaana, okwetuga, n'ebirala, ne kireetera ekika kyonna okusiraana. Omukolo nga guno gwayambanga abeekika okulongoosa ensonga ezaabangawo nga baluŋŋamizibwa Lubaale asobola okuwuliziganya ne Lugaba. Obutonde obw'enjawulo


eISSN: 2958-9320
https://www.journals.ac.za/jlt

ng’emiti, ennyanja, ensozi, emigga, enjazi, ebibira, n’ebirala bwaweebwanga ekitiibwa kubanga bwatwalibwanga okubeera obutuulo bwa Lubaale ow’enjawulo. Oluusi okuvumulwa kwabeetaagisanga okugenda ku butonde obumu okubaako omukolo gwe bakolerayo okugeza okugabula ebijjulo, okunaabirayo eddagala, n’ebirala. Wadde ng’ebika byabanga n’enkuŋŋaana zaabyo gye baavumuliranga abantu, oli yasobolanga okuddukirako ewa Mmandwa yenna si nsonga si wa kika kye. Ensi eno nga bw’etaggwaamu bizibu, kyabanga kitundu ku bulamu bwa Bajjajjaffe okwebuuzanga ku nsonga ezaabatuukangako mu bulamu bwabwe. Mu mateeka agatali mawandiike, oli bwe yagendanga ewa Mmandwa okumulagula, yateekwanga okusooka okuwaayo ekigali (ensimbi) n’alyoka akolwako. Mu ngeri yeemu, waliwo abantu Lugaba be yawa ekitone ky’okumanya ebikolo by’eddagala ne bye bivumula. Abantu baabettaniranga ne babanogera eddagala okusobola okuvumuka endwadde ez’enjawulo. Mu mateeka era agatali mawandiike, oli yalina kusookanga kuwaayo kikubansiko (nsimbi) ne balyoka bamunogera eddagala. Kigambibwa nti singa kaamutandanga n’atakiwaayo, ng’eddagala lye bamunogedde teriikole. Abakulu baagendanga n’abaana baabwe olw’ebizibu eby’enjawulo, n’abaana ne bakula nga bayiga. Oluusi nabo beetwalangayo era ne bafuna okuyambibwa. Noolwekyo, ensonga y’ebyeddiini eno nayo Bajjajjaffe baagiyigiririzangamu ebintu nkuyanja eri abaana.

## *3.6 Ebyenjigiriza eby’okwebeezaawo (Economic values)*

Abaddugavu baakolanga emirimu egy’enjawulo okwebeezaawo omuli okuvuba, okuyigga, okulima, okubumba, okulunda, n‘emirala. Baafubanga okuyigrirza abaana baabwe enkola y’emirimu egyo n’ekiruubirirwa ky’okubasobozesa okweyimirizaawo mu dda. Baayiganga bwe beenyigiramu (Abisoye, 2022) ate n’okulabira ku bakugu (Onwuatuegwu & Paul-Mgbeafulike, 2023). Obukugu bwe baafunanga baamalanga ne babuganyulwamu bo bennyini wamu n’abantu be baabeeranga nabo (Mosweunyane, 2013) ate olulala ne babweyambisa okwetuusaako bye batalina mu ngeri y’okuwaanyisa (barter trade). Okugeza, wano mu Buganda, Bajjajjaffe baaweesanga amafumu ge baalwanyisanga mu ntabaalo; baabajjanga amaato ge beeyambisanga okusaabala ku mazzi; baasogolanga omubisi gwe baakolangamu omwenge gwe baatwalanga ku buko okuwasa abakazi; beerukiranga ebibbo mwe baakoleranga emmere; baayigganga ensolo ne basobola okufuna enva; baalundanga ente ne bakamamu amata; baakomaganga embugo ze baasumikanga; n’emirimu emirala.

Waalingawo etteeka eritali ppandiike mu Buganda nti buli ssemaka alina okutendeka batabani be; buli omu okubaako omulimu gw’omukono (skill) gw’ayiga. Okusinziira ku bukugu omuvubuka bwe yabanga afunye, yasobolanga okuweerezebwa mu lubiri okuweereza Kabaka (okusiigibwa mu lubiri). Mu buweereza bwabwe, abaasiigibwanga



eISSN: 2958-9320
https://www.journals.ac.za/jlt

mu lubiri baayambangako okutendeka abantu ba Ssaabasajja abaabeeranga mu lubiri. Mu ngeri yeemu, buli maka mu Buganda gaasuubirwanga okubeera n’emmere obudde bwonna. Mu kyo, buli gamu gaabanga n‘ennimiro waakiri ssatu (nga temubuzeemu lusuku lwa Kabaka). Wadde nga baaluyitanga lusuku lwa Kabaka, emmere eyavangamu era yaliibwanga b’awaka, si nsonga baggyangamuuko n’amakula ga Kabaka lwe baabanga bagenze e Mbuga. Ekigendererwa ky’ennimiro essatu mu buli maka kyabanga kya kutangira njala mu Buganda. Enteekateeka eno yonna abaana baakulanga bagiraba era nga bagyenyigiramu; bwe baakulanga nga nabo batwala mu maaso ekintu kye kimu.

## 3.7 Ebyenjigiriza eby’obulungi (Aesthetic values)

Ebitwalibwa okuba nga birungi mu ggwanga erimu biyinza obutatwalibwa kuba birungi mu ggwanga ddala; buli ggwanga lirina ebyalyo. Okugeza, mu ggwanga erimu omukazi omunene ayinza okutwalibwa nti ye mulungi so ng’ate mu ddala omutono omuwanvu ye mulungi. Engeri gye kiri nti mu mawanga g’Abaddugavu agasinga omwana omuwala yakuzibwanga ateekebwateekebwa kufuuka mukazi atuukiridde mu maka gy’alifumbirwa, omuwala omuganda yafiibwangako nnyo ng’akula. Bwe yabanga akyali muwere, yasibwanga embira mu kiwato (oluusi obuwuzi obuddugavu) era n’akula nga mweziri, n’ekigendererwa ky’okukula ng’ayawudde (so si kufaanana musekuzo). Mu ngeri yeemu, bwe yabanga anaazibwa oba okusiigibwa ebizigo, maama yasendanga/yasitulanga akabina ke (ak’omwana) okuva wansi ku bisambi nga bw’agezaako okukabinula okukazza waggulu, ng’agenderera okukagonza omwana akule nga bw‘aba atambula, asobola okubigula. Okuva edda n’edda ng‘abasajja beegomba omuwala/omukazi eyayawula era n’oyo abigula. Kino kyaleeteranga Bajjajjaffe okufaayo okulaba ng’omwana ayambibwako okukituukiriza.

Mu buufu bw’okukuza omwana owoobuwala alabika obulungi era, bwe yawezanga emyaka nga kkumineebiri (nga tannazza mukono mabega), yakyalanga ewa Nakakande (yakyaliranga ensiko). Ensonga eno yatwalibwanga nga nkulu nnyo nti omuwala teyaweerezebwanga mu bufumbo nga tannagituukiriza. Bwe kaamutandanga n’afumbirwa nga tagituukirizza, bba yamugobanga asooke addeyo ewaabwe agituukirize. Ssenga w’omuwala y’avunaanyizibwa ku kukumutendeka mu nsonga eno. Engeri omwana yenna mu Buganda gy’ataabanga wa bazadde bamu (wabula n’abeŋŋanda abalala ko n’ab‘ekyalo), ku myaka gino omuwala yavanga mu maka mwe bamuzaala ate n’agenda akulirako ewa ssengaawe. Ensonga eno yayambanga omwana okumanya ku b’eŋŋanda ze abawerako wamu n’okunyweza obumu. Noolwekyo mu kiseera kino, ssenga w’omwana yamuyigirizanga ebintu ebinaasobola okumulabisa

obulungi ewa bba ng'okweyonja ennyo okwewala okuwunya olusu wamu n'okukyalira ensiko. Ne ku mirembe gino ensonga eno ekyatwalibwa nga nkulu nnyo.

Mu ngeri yeemu, omwana owoobuwala yeetegerezebwanga nnyo; bwe yeekoonanga akagere omulundi gwe okusookedde ddala, yakolwangako emikolo. Nnyina yamutuuzanga mu mulyango n'amubuuka emirundi esatu, nga bw'alaamiriza okumalanga mu nsonga ennaku ssatu zokka. Bw'ataakozesanga nkola eyo, yayinzanga n'okukozesa olumuli olw'ennyingo essatu oba bbulooka ezizimba ssatu. Ensonga enkulu eri e mabega w'emikolo gino gyonna ya kuyamba mwana butalwanga mu nsonga mu bulamu bwe bwonna. Singa omukazi yabeeranga mu bufumbo kyokka nga bw'atuuka okugenda mu nsonga alwamu nnyo, kyetamisanga omusajja era oluusi ne kimusendasenda n'okutambulako ebbali. Bajjajjaffe kino baafangayo okukitangira nga muwala waabwe bamubalira ennaku asobole okubeera obulungi mu bufumbo.

Okutwaliza awamu, Bajjajjaffe baayitanga mu Luganda okusomesa omwana ebyafaayo by'eggwanga lye; empisa eza buli ngeri; enkozesa y'olulimi lwe mu mbeera ez'enjawulo; obulombolombo n'ennono z'eggwanga lye. Bino byamusobozesanga okuyita mu bulamu bw'ensi ng'ali wamu ne bantu banne; ng'agoberera amateeka g'ensi n'ag'emyoyo era nga yeetuusaako bye yeetaaga. Wabula Abazungu bwe bajja n'okusoma n'okuwandiika, ebyenjigiriza mu Buganda byagenda bikyukamu; abaana baatandika okuvanga awaka okugenda mu bizimbe ebiteereddwawo okusomesezebwamu; baatandika okusomeranga mu budde obugere; abasomesa baabwe ne baba abo abatendekeddwa okukola omulimu gw'okusomesa, n'engeri endala nnyingi. Bwe gutyo bwe guli ne ku nnimi z'Abafirika endala ku ssemazinga w'Afirika. Okutwaliza awamu, mu kiseera kino Oluganda luyigirwa awaka (mu kwogerezeganya n'abaawaka) ne mu masomero ku madaala g'ebyenjigiriza gonna; Ppulayimale, Ssekendule ne mu matendekero aga waggulu.

## 4. Ensomesa y'Oluganda oluvannyuma lw'okujja kw'Abazungu

Abazungu abaafuula Uganda ettwale lyabwe be Bangereza. Abalala abaafuna amatwale mu Afirika mulimu: Abafalansa abaatwala Benin, Cameroon, Mali, Chad, Djibouti, Algeria, Senegal n'endala nnyingi; Abajamani abaatwala Namibia n'endala; Abayitale baatwala Libya n'endala; Ababiriji abaatwala Democratic Republic of Congo n'endala; Abasipaani abaatwala Equatorial Guinea, Western Sahara n'endala; n'Abapotugo abaatwala Mozambique, Angola, Guinea Bissau n'endala (Oiko, Kitooke, Asaba, & Obonyo, 2020). Ekikolwa ky'Abazungu okujja okufuga ensi z'Abaddugavu kyajjira


eISSN: 2958-9320
https://www.journals.ac.za/jlt

wamu n'okuwera, ko n'okwonoona ebyobuwangwa by'Abaddugavu omuli eddiini zaabwe, obubonero, emiziro, ennimi wamu n'enneeyisa, bo ne babakakaatikako ebyabwe omuli okuwandiika (Tchindjang et al., 2008), ebyafaayo byabwe, ennimi zaabwe ko n'ebyobuwangwa byabwe (Adeyemi ne Adeyinka, 2002) nga Onwuatuegwu and Paul-Mgbeafulike (2023) bwe babajuliza.

Abangereza okujja mu Uganda baali mu bibinja bibiri; eky'Abapolesitante abaatuuka mu mwaka gwa 1877 ate n'eky'Abakatuliki abaatuuka mu 1879. Wadde nga baazimba amasomero era ne bayigiriza Bannayuganda okusoma n'okuwandiika, ekigendererwa kyabwe kyali kya kusaasaanya ddiini zaabwe ate ng'ekiruubirirwa kya kukyusiza ddala Baddugavu okubaggya ku bye bakkiririzaamu basobole okubasigamu ebyabwe. Mu buufu obwo, tebakkiririzaako mu byabuwangwa bya Baddugavu n'omulundi n'ogumu, era baabiyitanga bya sitaani. Abisoye (2022) agamba nti abantu abakulukulu mu myaka tebaayanguwa kukyuka naye emigigi emito gyayaniriza nnyo enkyukakyuka. Enkyukakyuka mu buufu bw'ebyenjigiriza yayitira mu kubuulira njiri. Engeri gye waali wateekwa okubaawo empuliziganya wakati w'Abangereza ne Bannayuganda, Abangereza baasooka kufuba kuyiga nnimi za Bannayuganda, olwo ne balyoka batandika okuyita mu zo okusaasaanya enjiri. Olw'okwagala okunnyikiza enjiri, baalafuubana okukyusa bbayibuli n'ebitabo ebyogera ku njiri ne babizza mu nnimi ennansi omuli n'Oluganda (Ladefoged, 1972) nga Nankindu (2020) bw'amujuliza. Ekirala, Abazungu bano baatandika okuyigiriza Bannayuganda okusoma n'okuwandiika (mu Luganda), nga kiwagirwa enkola ya Gavumenti ku byennimi eyali egamba nti okusoma n'okuwandiika (literacy) biyigirizibwe mu nnimi bbayibuli mwe yali ekyusiddwa/ezziddwa (Nankindu, 2020). Nankindu (2020) anokolayo Alexander MacKay nga eyali omusaale mu kuyigiriza kuno. Noolwekyo, mu byenjigiriza by'Oluganda mu kiseera ekyo, abantu baagenda bayiga okusoma n'okuwandiika olulimi Oluganda.

Olwaleero, Oluganda lusomesebwa nga essomo okuviira ddala mu ppulayimale, wadde nga ku ddaala lino lusomesebwa kuva mu kibiina kya P.5. Enkola ya Gavumenti ku byennimi erambika nti ennimi ennansi ezisinga okwogerwa abantu abangi mu bitundu – ennimi z'ebitundu (Area languages/languages of wider communication) zisomesebwe nga amasomo ageetongodde okuva mu P.5 okutuuka mu P.7, era zibuuzibwemu ebigezo by'akamalirizo (PLE) (MoES, 1992). Oluganda lwe lumu ku nnimi ezaanokolwayo, ne zinnaalwo endala nnya: Oluluwo, Olulugwala, Oluteeso/Olukalamoja, ko n'Olunyakitala (Lunyankole, Lukiga, Lutoolo, Lunyolo) wadde nga n'okutuusa leero ennimi zino tezibuuzibwangamuuko kigezo n'omuludi n'ogumu. Oluganda lulimi lwa kitundu mu masekkati ga Uganda. Noolwekyo, lusaale nnyo mu byenjigiriza bya

Uganda naddala nga lusomebwa nga essomo ku madaala g'ebyenjigiriza gonna ate era n'okweyambisibwa okusomesa amasomo amalala mu bibiina bya Ppulayimale ebya wansi mu masomero g'omubyalo.

Ku mutendera gwa Ssekendule, Oluganda lusomesebwa ku madaala gombi; erya 'O' Levo n'erya 'A' Levo. Mu bisomesebwa mulimu ebyobuwangwa by'Abaganda; empandiika y'olulimi entongole; embu z'ebigambo by'Oluganda; enkozesa y'ebisoko n'engero ensonge; okukyusa ebitundu okubiggya/okubizza mu Luganda/Lungereza; entegeera y'ekitundu ekisomeddwa (comprehension); okufunza ebitundu; obuyiiya mu kuwandiika obugero (composition writing); emizannyo (drama); engero empanvu; ebitontome n'abawandiisi. Okutwaliza awamu, ebyo era bye bisomesebwa ne ku matendekero aga waggulu, naye ng'ogasseeko empapula endala ez'omuyizi asuumuse ku madaala ga siniya, era ezimuyigiriza okuyiiya, okunoonyereza n'ebirala ebiringa ebyo.

Ebyenjigiriza by'Oluganda eby'Abazungu bya njawulo ku byenjigiriza bya Bajjajjaffe mu ngeri nnyingi: a) ebisomesebwa byennyini bw'obitunuulira birimu ku njawulo ku byasomesebwanga Bajjajjaffe; b) kati abaana bava awaka ne bagenda mu bizimbe/ebifo ebiteekeddwateekeddwa okubeera amasomero, gye basomera (so si waka – ku mirimu oba ku mikolo); c) kati waliwo obudde obugerekebwa nti bwa kusomesezaamu Luganda (so si kulusoma obudde bw'obulamu bwabwe bwonna); d) abasomesa b'ensangi zino basooka kusomayo kkoosi ya busomesa mu Luganda (edda, buli muntu mukulu yasobolanga okusomesa kubanga we yakuliranga ng'amanyi eby'okusomesa); e) enkola ezeeyambisibwa okulusomesa zisinga kwesigama ku kuwuliriza musomesa ky'ayogera (ate ezeeyambisibwanga Bajjajjaffe zaasiŋŋanga kwetooloolera ku baana kulabira ku babasinga wamu n'okwenyigiramu); f) ate okuyiga mu biseera bya Bajjajjaffe kwabanga kwa lubeerera so nga leero oli asobola okubaako w'atuuka n'agamba nti kkoosi mw'asomera Oluganda ewedde. Okutwaliza awamu, ebyenjigiriza bya Bajjajjaffe byaluubiriranga okukulaakulanya omuntu yenna (holistically) mu bisaawe by'obulamu byonna (mu by'embeera z'abantu, mu byempisa, mu byeddiini, mu byokwebeezaawo, mu byobukulembeze, mu by'ensala/empoza y'emisango ko ne mu byobulungi), ekintu ekitavaayo bulungi na byanjigiriza by'Abazungu.

Olwaleero abantu mu Uganda bakaaba olw'ebbula ly'emirimu so nga bafubye okusoma. Okusinziira ku Awiti (2016), abavubuka abali wansi w'emyaka 35 abawerera ddala ebitundu 80 ku buli 100 tebalina mirimu kyokka nga bagyetaaga. Abanoonyereza abawerako nga Nakabugo, Byamugisha, and Bithaghalire (2008); Mugizi (2018); Gyagenda (2023) n'abalala ensonga y'ebbula ly'emirimu bagitadde ku byanjigiriza Bannayuganda bye bayitamu. Eno y'ensonga yennyini lwaki jjo ly'abalamu (mu



eISSN: 2958-9320
https://www.journals.ac.za/jlt

mwaka gwa 2020) ekitongole ky'ebyenjigiriza ekiteekateeka ebisomesebwa mu masomero (NCDC) kyasalawo okukyusa mu byensoma byonna ku ddaala lya 'O' Levo, omuyizi atuuke okuva mu ssomero ng'afunye obukugu obusobola okumuyamba okugya mu nsi ne mu bifo gye bakolera emirimu. Mu nkyukakyuka eno, a) omusomesa atandikira ku muyizi ky'amanyi ate n'amuyamba okuzuula ekipya (so si musomesa kuba nga y'amanyi byonna era nga y'alina okuwa omuyizi ebyokuyiga); b) omuyizi by'ayiga byesigamizibwa ku bulamu bwe obwa bulijjo n'ebimwetoolodde (so si kuva mu byafaayo bimanyiddwa oba biwulirwa); c) omuyizi yeenyigira butereevu mu kuyiga kwe era ne yeewandiikira by'azudde (so si musomesa kumuwa byakuwandiika); d) omuyizi alina okussa mu nkola ebyo by'ayize (so si kubikusuwaza bukusuwaza); e) ebisoosowazibwa ennyo bwe bukugu obuyamba omuntu okutambuza obulamu mu nsi ejjudde okusoomoozebwa (so si kusoosowaza kya kuyita bigezo); f) omuyizi buli lw'abaako ky'ayize, agezesebwa okulaba w'atuuse mu kuyiga kwe ne kimuyamba okumanya obunafu bwe we buli n'okulongoosa we kyetaagisizza (so si kutereka by'aba ayize nga tannagezesebwa mu byo); ate omuyizi ayiga ne ku bintu ebitugatta fenna nga abantu (cross-cutting issues) (NCDC, 2019). Bwe weetegereza kaliculaamu eno, olaba nga mata buta era by'eruubirira byebyo byennyini ne Bajjajjaffe bye baaluubiriranga mu byenjigiriza byabwe. Wabula mu kiseera kino, ekyalina okusoomoozebwa kungi nnyo; nnungi nnyo ku lupapula naye tennaba kussibwa bulungi mu nkola olw'ensonga ez'enjawulo.

Okutwaliza awamu, ensonga y'okuwandiika Abazungu gye bajja nayo yaleetawo ekyukakyuka ey'omuggundu mu nsomesa y'Oluganda. Yatumbula nnyo, era ekyatumbula ebyabwe mu masomero ga Uganda n'ag'ensi z'Abaddugavu zonna okutwalira awamu ku mitendera gyonna; ppulayimale, sekendule n'amatendekero aga waggulu. Abangereza baayita mu kuwandiika okusobola okunyweza eddiini zaabwe, Olungereza n'enneeyisa zaabwe era nga bisomesebwako ne mu masomo amalala agatali Luganda naye nga nago Abaganda bagasoma. Ku kuwandiika kw'ogatta n'enneeyisa ez'enjawulo ezirabwako, Abaganda n'abaddugavu bonna okutwalira awamu ze baagenda bakoppa era nga kati zaababukalamu. Mu ezo mulimu a) ennyambala; abaalina ensonyi kati baayiga okwambala enkunamyo, b) abawala n'abakazi abaali bambala ebiteeteeyi kati bambala mpale mpanvu nga basajja, era tekibagaana kutuula nga beegadde, c) endya; abaali baliisa engalo zaabwe ennaabe obulungi kati baliisa byuma, ng'oluusi tebafuddenayo kusooka kunaabako mu ngalo, d) abaali bamanyidde okukkalira nga balya kati baayiga okwewanika ku ntebe n'emmeeza ate tekibagaana kulya nga bayimiridde, d) abakyala abaali bamanyidde okuwa babbaabwe ekitiibwa kati balaba balina kwenkanankana nabo, e) abaali bagoberera ensonga ezikuuma ennono ya Buganda okutuuma abaana amannya, kati batuuma ga Bazungu batutumufu, n'ebirala

bingi. Wabula, kisaana kimanyibwe nti si buli kyaleetebwa Abazungu nti kibi naddala mu nsi ya leero eyajjamu tekinologiya ataaliwo luli, enkyukakyuka mu mbeera y'obudde (climate), n'ebirala ebirina ebyo.

## 5. Okusoomoozebwa Oluganda kwe lusanze ne kwe lwolekedde

Okusoomoozebwa okusooka bwe bugagga obufumbekedde mu Luganda okugenda nga busaanawo olw'okwerabirwa, abamanyi baabwo bwe bagenze bafa. Kino kiri bwe kiti olw'ensonga nti ebyenjigiriza byonna byatambuliranga ku mumwa okuva ku mulembe ogumu okudda ku mulala. Abazungu bwe baakyusa ebyenjigiriza, enteekateeka Bajjajjaffe mwe baayitanga okufuula omwana ekitonde ekiggya nayo n'ekosebwa. Wabula, waliwo Abaganda abamanyiddwa abaasomesebwa ku Bazungu era ne balaba obukulu bw'okuwandiika, ne bagezaako okubaako bye bawandiika. Okugeza, Omukenkufu Livingstone Walusimbi ne Phoebe Mukasa baatukuŋŋaanyiza "*Ebitontome eby'Edda*"; Omukenkufu, John Chrisostome Ssekamwa yakola okunoonyereza ku ddiini y'Abaganda ey'ennono era n'agirombojja mu kitabo "*Enkuluze y'Eddiini y'Abaganda ey'Ennono*; omuntu y'omu era yawandiika "*Ebisoko n'Engero ez'Amakulu Amakusike*; Micheal Bazzebulala Nsimbi yatuwandiikira "*Amannya Amaganda n'Ennono Zaago"* ne *"Siwa Muto Lugero*"; Sir Apollo Kaggwa n'atuwandiikira "*Empisa z'Abaganda*"; n'abawandiisi abalala. Wabula wadde ng'abo balina litulica omwogere gwe baakuŋŋaanya, atali mu buwandiike eyeetaaga okunoonyerezaako akyali mungi, ate atali mwangu wa kumanyibwa bantu olwaleero era akyayinza okusaanirawo ddala mu myaka egijja.

Okusoomoozebwa okulala be Baganda okuva ku byobuwangwa byabwe ne bakoppa enneeyisa z'Abazungu, ekibaviiriddeko okuggwaamu obuntubulamu. Kakooza (1996) agamba nti;

> Olw'okuba empisa ez'obuntubulamu zaggwa dda mu bantu, buli muntu kati yeerowoozaako yekka. Tewakyali kusaasira na kulumirwa balala. Obuwulize n'okussa ekitiibwa mu bakulu byaggwaawo dda. Abantu tebakyalina nsonyi, ekintu ekyakuumanga ennyo empisa z'obuntubulamu mu Buganda kuba ng'omuntu atya okuswala. Kino kye kivuddeko obutemu, n'obubbi, n'obulyake, n'okulya enguzi okweyongera ennyo mu ggwanga lino.

Kasita eddiini empya zaasensera Abaganda, baatandika okunyooma ebyobuwangwa byabwe n'okulowooza nti tebirina mugaso nti era bya sitaani mwereere. Kino bwe kiri ne ku Baddugavu abalala okusinziira ku Abisoye (2022).

Okusoomoozebwa okulala kusibuka ku kaliculaamu empya, ate gye tulabye nga ennungi ennyo nti era eggyirayo ddala ebiruubirirwa by'ebyenjigiriza bya Bajjajjaffe singa ebeera essiddwa mu nkola. Emu ku nkyukakyuka ezajja ne kaliculaamu empya ye y'okukendeeza amasomo (subjects) agaali gasomesebwa n'obudde abayizi bwe bamala mu kibiina. Mu kutuukiriza kino, amasomo agamu gaasuulibwa, agamu ne gagattibwa ne gannaago muveemu essomo limu ate ne baleetayo n'amapya. Mu kiseera kino kaliculaamu egamba nti mu siniya esooka (S.1) ne siniya eyookubiri (S.2), omuyizi asoma amasomo 11 ag'obuwaze (compulsory) n'essomo limu eritali lya buwaze (elective). Naye tunuulira amasomo nga bwe gaagerekebwa:

a) Ag'obuwaze: 1) English, 2) Entrepreneurship, 3) Mathematics, 4) Biology, 5) Chemistry, 6) Physics, 7) Geography, 8) History and Political Education, 9) Kiswahili, 10) Physical Education, 11) Religious Education
b) Agatali ga buwaze: 1) Agriculture, 2) Information and Communications Technology (ICT), 3) French/German/Latin/Arabic/Chinese, 4) Local Language (awagwa Oluganda), 5) Literature in English, 6) Art and Design, 7) Performing Arts, 8) Technology and Design, 9) Nutrition and Food Technology

Okusoomoozebwa Oluganda kwe lusooka okufuna kwe kuba nti amasomo omwenda omulamba agali mu kibinja ekyokubiri kulondwa essomo erimu lyokka! Bw'ogenda mu maaso ne weetegereza amasomo ago, mulimu amaganzi eri abantu (naddala abazadde abaavu ate nga be bangi), era ge basuubira nti omwana bw'anaagasoma anaaba alingiriza okufuna omulimu ng'amalirizza emisomo gye oba waakiri okwekozesa, okugeza ICT, Art and Design, Performimg Arts, Technology and Design ne Nutrition and Food Technology. Ebyo ng'obivuddeko, tulabye engeri Abaddugavu gye basuusuutamu ennimi z'Abazungu, okwo nga kwe kuli n'amawanga g'Abazungu okusuubiza Abaddugavu sikaala okugenda okusomera mu mawanga gaabwe singa bayiga ennimi ezo engwira. Okwo bw'ogattako endowooza y'Abaganda abamu nti Oluganda lwa wansi era terugasa kiri awo, emikisa gy'omuyizi okulondako essomo erimu nga Luganda mitono!

Mu siniya eyookusatu (S.3) n'eyookuna (S.4), omuyizi asoma amasomo ag'obuwaze musanvu (7) n'agatali ga buwaze abiri (2), ng'ekigakendeezezza okuva ku 11 aga S.1 ne S.2 kwe kuba nti agamu kati gafuuliddwa ga kulondwako (ge ga Entrepreneurship, Physical Education, Religious Education ne Kiswahili). Kino kitegeeza nti singa omuyizi ava mu S.I nga ku gano amasomo ana abaddeko ne ly'ayagala, eryo aba yamaze dda okulironda ng'asigazza limu lyokka. Ekirala, Oluganda bw'aba teyatawaana kululonda mu ntandikwa, wano aba talina w'atandikira kululonda. Ekyokusatu ate nga kyakusoomooza kinene; y'engereka y'amasomo gano mu bibinja


eISSN: 2958-9320
https://www.journals.ac.za/jlt

omuyizi mw'alina okugalonderako; alina kulonda essomo limu lyokka okuva mu kibinja. Laba ebibinja amasomo mwe gaagerekebwa:

a) Ag'obuwaze: 1) English, 2) Mathematics, 3) Biology, 4) Chemistry, 5) Physics, 6) Geography, 7) History and Political Education.
b) Agatali ga buwaze

   Ekibija ekisooka (Ebyemikono): 1) Physical Education, 2) Technology and Design, 3) Performimg Arts, 4) Agriculture, 5) Nutrition and Food Technology, 6) ICT, 7) Entrepreneurship, 8) Art and Design

   Ekibinja ekyokubiri (Ennimi): 1) Kiswahili, 2) Foreign Languages, 3) Local Languages, 4) Literature in English

   Ekibinja ekyokusatu (Eddiini): 1) Christian Religious Education, 2) Islamic Religious Education

Noolwekyo, wadde ng'ebigendererwa bya kaliculaamu empya birungi nga bissiddwa mu nkola, engereka y'amasomo kyakusoomooza kinene ddala eri Oluganda n'ennimi endala ennansi.

## 6. Tukuumye tutya zaabu afumbekedde mu nsomesa ya Bajjajjaffe?

Omuntu okumanya olulimi lwe kikulu nnyo eri enkulaakulana ye n'ensi ye (Abisoye, 2022). Olulimi lumwawula ku bantu b'eggwanga eddala (Salmanu, 2016; Tchindjang et al., 2008); mu lulimi mw'ayita okuwuliziganya n'abantu abalala; ate era mw'ayita okumanya eby'edda n'okuteekateeka ebijja mu maaso (Tchindjang et al., 2008). Olulimi kitundu ku buwangwa bw'omuntu ate mw'ayita okussa mu nkola ebyobuwangwa bye ebirala. Bajjajjaffe baasobolanga okwekulaakulanya okuyita mu byenjigiriza ebyafanga ku bulamu bw'omwana yenna; empisa ze, emirimu egyamusobozesanga okwebeezaawo, enkolagana ye n'abalala, enzikiriza ye mu ddiini, ebyobukulembeze, n'ebirala, ng'ebyenjigiriza ebyo bikwata ku buwangwa.

Buli lulimi lulina ebyobuwangwa byalyo, ekitegeeza nti singa ennimi ennansi ziweebwa omukisa ogusinga ku gwe zaaweebwa mu kaliculaamu empya, kiba kijja kuyamba abantu okukulaakulana kinnoomu ate n'eggwanga lyonna okutwalira awamu. Essomo erimu lyokka ery'olulimi (Local Language) lisobola okutuusa omuntu ku kwekulaakulanya singa liba lisomeseddwa bulungi nga bwe gwabanga mu biseera bya Bajjajjaffe. Kyokka ate omuyizi bw'aligattako amasomo amalala, kiba kirungi. Noolwekyo, NCDC eyongere okutunula mu nsonga y'okugereka amasomo mu bibinja

eby'enjawulo; esse ennimi ennansi mu masomo ag'obuwaze olw'obukulu bwago eri enkulaakulana y'omuntu. Salmanu (2016) awa ensi z'Abaddugavu amagezi galabire ku nsi ezikulaakulanye nga China nago geeyambise ennimi zaago ennansi mu byenjigiriza. Tchindjang et al. (2008) nabo bakinogaanya nti ebyenjigiriza ebizimba enkulaakulana y'omwana yenna bikulu kubanga bimumanyisa ebyafaayo bye ebimusobozesa okumanya ki ky'ali wamu n'okumwanjulira ensi ya leero, so si kuyiga ku by'Abazungu byokka.

Ensonga endala ye y'okusitula ekifo ky'Oluganda (n'ennimi endala ennansi) mu ggwanga okufuuka entogole oba ennimi z'eggwanga. Salmanu (2016) agamba nti ekifo olulimi kye luweebwa mu ggwanga kisinziirwako nnyo enkulaakulana yaalwo wamu n'abantu baalwo kubanga luba lufiibwako mu byenjigiriza, luba lukolebwamu amateeka n'ensonga endala. Ensonga eno ne Nankindu (2020) akkiriziganya nayo. Ssentanda and Nakayiza (2015) bagamba nti nga Uganda bw'ekyakikiitana okufunira ensi yaayo olulimi lw'eggwanga, kyandibadde kikolebwa nga mu mawanga nga South Africa ne Zimbabwe, ezirina ennimi z'eggwanga ezisukka mu lumu. Mu buufu bwe bumu, bateesa nti Olunyankole, Olukiga, Olutoolo, Olunyolo, Oluganda, Oluteeso n'Olukalamoja zandisituddwa ne zifuuka ennimi entongole kubanga zikiikirira ekimala Bannayuganda bonna okutwalira awamu.

Ensonga endala ye y'okweyambisa omukisa gwa tekinologiya okubbulula n'okutwala mu maaso ebyobuwangwa byaffe mu ngeri yonna esoboka. Tchindjang et al. (2008) bagamba nti Abaddugavu basobola okuyita ku mutimbagano okumanyisa ensi yonna ebyobuwangwa byabwe, okutabagana n'ab'obuwangwa obulala n'okutumbula ebyobulambuzi. Tekinologiya y'omu asobola okukozesebwa okutumbula ebyobulimi; nga biva ku kweyambisa enkumbi enjereere nga bidda ku kweyambisa ebyuma okulima (okwerula ekifo, okufukirira ebirime, okwongera omutindo ku birime ne bitaboonoonekekako). Mu ngeri yeemu, amagezi ga saayansi (ag'ekizungu) gasobola okweyambisibwa okujjanjabisa eddagala ly'ekinnansi.

Onwuatuegwu and Paul-Mgbeafulike (2023) balina amagezi ge bawa ku ngeri y'okukuuma n'okutumbulamu ebyenjigiriza by'Abaddugavu. Bagamba nti a) bitobekebwe mu ebyo ebisomesebwa leero oba bisomesebwe ddala nga amasomo ageetongodde; b) okukyaza abakugu mu bisaawe eby'enjawulo abayizi ne babayigirako; c) okussaawo emikago wakati w'amasomero ne Bannakyalo; d) okussaawo emyoleso gy'ebyobuwangwa; e) amasomero okutegeka empaka z'ebyobuwangwa; f) okweyambisa ensomesa ez'edda mu nsomesa eriwo kati


eISSN: 2958-9320
https://www.journals.ac.za/jlt

ng'okunyumya (story telling), okulaga enkola y'ebintu (practical demonstrations) – biyambe abayizi okwenyigira mu bisomesebwa, okulowooza, okufuna amagezi g'okweggya mu buzibu, okwongera okuyiga ebyobuwangwa byabwe wamu n'okusiima omulimu Bajjajjaabwe gwe baakola; g) okuwandiika ebintu bino bireme kusaanawo ng'ababimanyi bafudde.

Tchindjang et al. (2008) bakkaatiriza amaanyi agali mu kuwandiika: bagamba nti ennimi ez'amaanyi (dominant), ez'Abazungu n'ezitali, zonna ziyise mu kuwandiika. Bawa ebyokulabirako by'ennimi ezikulaakulanye okuyita mu kuwandiikibwa nga Shümom, olwogerwa mu Cameroon; walifu ya N'ko mu Mali, eyabbulula kye bali (identity) ekyali kibuze; Kabre ne Ewe mu Togo, ezaatumbulwa olw'obuwagizi bwa Gavumenti. Noolwekyo, Abaganda baveeyo banoonyereze ku bintu Bajjajjaffe bye baayogeranga obwogezi ebibadde bigenda byerabirwa, babisse mu buwandiike.

## 7. Okuwumbawumba n'okukubira

Ng'Abangereza tebannajja mu Uganda, Abaganda baalina ebyenjigiriza bye baagobereranga era ebyababeezangawo, ebyakakasanga nti abaana batendekebwa obukugu obwabasobozesanga okuwangaala mu nsi. Olwaleero, ebyenjigiriza ebisobozesa omuntu okufuuka yinjiniya, omusawo, omubazi w'ebitabo oba omukugu ow'engeri endala yonna, bisibukira ddala ku byenjigiriza bya Bajjajjaffe. Wadde olwaleero kizibu okuddiza ddala ebyenjigiriza by'Oluganda obukuukuubira nga bwe byatambuzibwanga, okubisuulira ddala mu kisero kijja kuleetera Abaganda okufiirwa ekibafuula Abaganda wamu n'okukutula olujegere lw'okumanyirangamu ebyobuwangwa byabwe n'ennono okuva ku mulembe ogumu okudda ku mulala. Noolwekyo, tugamba nti kirungi bikuŋŋaanyizibwe ababimanyi abakyaliwo, biteekebwe mu buwandiike ate era bitobekebwe mu byenjigiriza ebyomulembe guno ogwa saayansi ne tekinologiya kubanga bikyali bya mugaso nnyo mu kukuza omwana omuntumulamu era alibeera ow'omugaso mu nsi.



eISSN: 2958-9320
https://www.journals.ac.za/jlt

## Ebiwandiiko ebijuliziddwa

Abisoye, A. (2022). Back to the root: The place of traditional education in Africa. *African Leadership*.

Achi, A. (2021). African indigenous education. Retrieved May27, 2024 from: https://www.researchgate.net/publication/357050398_African_Indigenous_Education

Awiti, A. (2016). *The Uganda Youth Survey Report.* Retrieved May27, 2024, from: *http://ecommons.aku.edu/eastafrica_eai/18*

Aziza, R. C. (2001). The relationaship between language use and survival of culture: The case of Umobo youth. *Nigerian Language Studies* (4).

Bello, S. (1991). *Culture and decision making in Nigeria*. Lagos: National Council for Arts and Culture.

Countryeconomy (2012). Population of Uganda goes up. Retrieved from https://countryeconomy.com/demography/population/uganda?year=2012

Ezedike, E. O. (2009). *African culture and the African personality: From footmarks to landmarks on African philosophy*. Somolu: Obaroh and Ogbinaka Publishers.

Gyagenda, A. (2023). Need for a total revamp of the ugandan educational system towards enabling local graduates to compete on the global scale. *International Journal of Academic Research in Progressive Education and Development, 12*(1), 767-777.

Idang, G. E. (2015). African culture and values. *Phronimon 16*(2), 97-111. https://doi.org/10.25159/2413-3086/3820

Kakooza, P. K. (1996). *Empisa ez'Obuntubulamu*. Kampala: Fountain for African Development.

Kiingi, K. B. (Ed.) (2007). Kampala: Fountain Publishers.

Manly, A. N., & Duruji, S. U. (2013). Education in the traditional African society. Retrieved May 27, 2024, from https://manlyacademia.wordpress.com/2013/05/07/education-in-the-traditional-african-society/comment-page-1/

Mbiti, J. S. (1977). *Introduction to African religion*. London: Heinemann Books.

MoES. (1992). *The Government White Paper on Education*. Kampala: Ministry of Education and Sports

Mosweunyane, D. (2013). The African educational evolution: From traditional training to formal education. *Higher Education Studies, 3*(4). https://doi.org/10.5539/hes.v3n4p50

Moumouni, A. (1968). *Education in Africa*. London: Andre Deutsch.

Mugizi, W. (2018). The role of higher education in achieving Uganda vision 2040. *Elixir Social Studies*, *115*: 49831-49837. https://nru.uncst.go.ug/handle/123456789/9243

Mulumba, M. B., & Masaazi, F. M. (2012). Challenges to African development: The medium of instruction in Uganda's education system. *Pedagogy, Culture & Society 20*(3). https://doi.org/10.1080/14681366.2012.712056

Nakabugo, M. G., Byamugisha, A., & Bithaghalire, J. (2008). Future schooling in Uganda. *Journal of International Cooperation in Education, 11*(1), 55-69.

Nankindu, P. (2020). The history of educational language policies in Uganda: Lessons from the past. *American Journal of Educational Research, 8*, 643-652. https://doi.org/10.12691/education-8-9-5

NCDC. (2019). *Local Languages Curriculum Framework - Senior 1 - 4.* Kampala: National Curriculum Development Centre.

Oiko, D., Kitooke, P., Asaba, J., & Obonyo, G. (2020). *The comprehensive primary school atlas for social studies in Uganda*. Kampala: Longhorn Publishers.

Onwuatuegwu, I. N., & Paul-Mgbeafulike, V. S. (2023). African traditional framework: Unveiling the wisdom beyond Western education. *Nnadiebube Journal of Philosophy, 6*(2), 48-64. https://acjol.org/index.php/NJP/article/view/3675/3598

Salmanu, Y. (2016). Language and cultural diversities in Africa: Implications for survival. Zaria Journal of Educational Studies (ZAJES), *17*(1), 1-12. https://zarjes.com/ZAJES/article/view/225

Ssentanda, M., & Nakayiza, J. (2015, November 5). English rules in Uganda, but local languages shouldn't be sidelined. *The Conversation*. https://theconversation.com/english-rules-in-uganda-but-local-languages-shouldnt-be-sidelined-49381

Tchindjang, M., Bopda, A., & Ngamgne, L. A. l. (2008). Languages and cultural identities in Africa. *Museum International, 60*(3). https://doi.org/10.1111/j.1468-0033.2008.00651.x

## ABOUT THE AUTHORS


### Rehema Yawe Nakandi

Kyambogo University, Uganda

**Email**: rnakandi15@gmail.com **ORCID**: https://orcid.org/0009-0009-0599-0801


Rehema Yawe Nakandi is an Assistant Lecturer of Luganda Language and Literature, in the Department of Languages and Communication Studies, Kyambogo University, Uganda. She holds a Master's of Education degree in Luganda Language and Literature of Makerere University; a Postgraduate Diploma in Special Needs Education of Kyambogo University and a Bachelor of Arts with Education degree from Makerere University. She has undergone training in University Pedagogy; and a short course in Research and Proposal Writing in the Sciences. She is much interested in research that promotes the preservation of African languages.


### Moses Mayanja

Mount Kigali University, Rwanda

**Email**: mosesmayanja058@gmail.com


Moses Mayanja is an Assistant Lecturer in the Department of Distance and Institutional Based e-Learning (DIBEL), School of Education, Mount Kigali University, Rwanda. He holds a Master of Education degree in Social Science and Arts Education (Geography) and a Bachelor of Arts degree in Education, both from Makerere University. He is a proud Muganda who upholds his culture hence the passion to do research about Luganda and other African languages in Uganda.